# Atlas: Aapu ekozesa intaneeti eya Ready for business

## Ekitundu ekisinga obukulu ekya enkola etandikibwawo okutegeka bizineesi

Global Disaster Preparedness Center


### Enkola y'okutegeka bizineensi entono

Mu myaka 3 egiyise, IFRC's Global Disaster Preparedness Center (GDPC) yakola era netandikawo ekitabo kya Atlas ekikorela ku mukutu gwa intaneeti era ekiyinza okukyusibwa: Ready for business erubirira okuyamba bizineesi entono okweyongera okubeera enetegefu era n'okubeera n'obusobozi bw'okwanukula obutyabaga. Bizineensi entono zikola kinene nnyo mu bitundu mwe ziri era ne mu butale bw'ensi, nga zireetawo emirimu era n'entambuza y'ebyamaguzi. Zikola kinene nnyo okusikiriza era n'okuzaawo ebyobusuubuzi mu kitundu singa waba wabaddewo obutyabaga.

Newankubadde nga bizineesi entono ezisinga obungi zimanyi obukulu bw'okweteekateekera engeri obutyabaga gye buyinza okwonoona enkola y'ebintu, okunoonyereza kulaga nti bizineesi entono ezisinga tezetegekera bya mu maaso. Kino kiva ku kubeera nti kitwala sente nyingi era n'okubulwa okuwabulwa. Kino kisobola okuleetawo obuzibu ku bizineesi era ne ku bitundu ebyetolodde.

Ekitabo kya Atlas kikendeeza ebikugira bino olw'okuba nti weekiri ate nga kya bwereere, era nga kibayamba ku buli mutendera. Kyakolebwa okuyamba abalina bizineesi entono. Bannanyini bizineesi oba abaziddukanya bayiga okweteekateeka mu biseera byabwe nga bakola byebalina okukola bokka oba n'abakozi baabwe. Bayigirizibwa okwekenneenya obwetegefu bw'enkola zabwe, enkolagana, obukulembeze n'obuwangwa, okwetegekera enkyukakyuka, era n'obusobozi bwabwe okuyamba abantu babwe ku mulimu. Okusinziira ku bwangu bwe bakozesa okuyita mu mitendera ena egya waapu era n'engeri gyebaddamu ebibuuzo ebikwata ku kweteekateeka, Atlas eleeta mu ngeri y'obukugu 'Pulaani y'okweteekateekera obutyabaga n'okubuvunuka'. Eno pulaani esobola okugabanibwa n'abalala era esobola okukozesebwa si mu butyabaga bwokka, naye n'okugezesa obwetegefu era n'okusomesa abakozi.


Waapu y'omukutu gwa intaneeti ekozesa ebintu ebikolagana, nga mwe muli okwogeraganya ne atalaasi nga kisikiriza agikozesa okukebera eddaala kwali mu bwetegefu, okwekebera wa watuuse, era n'okulungamya agikozesa mu kkubo ery'enjawulo okuvunuka obutyabaga. Ekkubo ery'enjawulo lituukibwako olwa enkola ya Atlas eri munda muyo esobola okulaga wa agikozesa waali n'ebifa ku kifo ekyo. Bisobola okukyusibwa mu nnimi nyingi era nga bisobola okukyusibwa nebitekebwamu ebikwata ku nsonga ezimu okusobola okuyamba bizineesi era n'okuzikuuma nga zeyongera mu maaso.




Atlas: Ready for business eri mu nnimi 7 - Luwalabu, Lungereza, Lufaransa, olulimi lwa abava Indonesia, Olusipeyini ne Oluvyetinaamu - era ennimi endala zijja kweyongerako.

Download it at: preparecenter.org/atlasapp

Available on the App Store | ANDROID APP ON Google Play



"Kyalabikirawo nti Atlas yali ekwata ku kuvunuka obutyabaga era n'okutuukana n'embeera, okukakasa nti olina ekyetaagisa."
Nnannyini bizineesi entono, New Zealand

Waapu y'omukutu gwa intaneeti ekozesa ebintu ebikolagana, nga mwe muli okwogeraganya ne atalaasi nga kisikiriza agikozesa okukebera eddaala kwali mu bwetegefu, okwekebera wa watuuse, era n'okulungamya agikozesa mu kkubo ery'enjawulo okuvunuka obutyabaga. Ekkubo ery'enjawulo lituukibwako olwa enkola ya Atlas eri munda muyo esobola okulaga wa agikozesa waali n'ebifa ku kifo ekyo. Bisobola okukyusibwa mu nnimi nyingi era nga bisobola okukyusibwa nebitekebwamu ebikwata ku nsonga ezimu okusobola okuyamba bizineesi era n'okuzikuuma nga zeyongera mu maaso.

www.preparecenter.org
gdpc@redcross.org
disaster.preparedness.center
PrepareCenter

Kiwagiddwa: American Red Cross | International Federation of Red Cross and Red Crescent Societies